**17th March 2018.**

## ISIRAYIRI EGWA, MU KUSINZA BAKATONDA ABALALA. II

**Okuva 32:15-35.**

Amakya ga leero, tweyongera okulaba mu byafaayo bya Isirayiri akaseera akabi ennyo, nti nga bwe twaalaba oluwedde ebyatandika ng'envuuvuumo,….Musa tebalaba bwakomawo gyebali, lwaki Alooni tabakolera bakatonda abalala okubakulembera, olwo lwonna nga bakalya emmaanu, Mukama Katonda gye yali abaliisa buli lukedde…
Era omulundi oguwedde kyaali kikulu nnyo okubiraba nga bwe tweemulisaamu tooki, oba nga tubasongamu olunwe kyokka ng'engalo essatu zitunuuliddwa gyetuli, nga n'ensajja etulumiriza eri eggulu.

Paulo Omutume yagamba mu bbaluwa ye eri Abakkolinso esooka 10:1-14 nti….

Kaakano tulabe bwe gwaali, ng'obukakafu nti ebyawandiikibwa mu Kuva byaali bya nnamaddala. Tusome nny.15-19……
Teebereza nti Mukama yamanya obubi bw'abaana ba Isirayiri kyokka teyagamba Musa nti "n'amateeka ogira ogaleka, togabatwaalira". Kubanga yamanya nti Musa yali agenda gasesebbula wansi! Nkiwa nti kyaali kifaananyi kyaabwe ky'okumenya endagaano gye baalina ne Mukama Katonda waabwe, n'obusungu bwa Musa bwamuyinza okubalaga ku kiruyi kya Mukama olw'ekikolwa kyaabwe.

Nny.20….. Byonna okubalaga nti bukatonda bwaabwe temwaali, era belolere ku bukaawu bw'obugwaagwa bwaabwe…..

Nny.21-24….Teebereza obusiru obwo obwogerwa eyali alondeddwa nga kabona omukulu wa Isirayiri….Musa agamba mu Kyamateeka Olw'okubiri 9:20 nti "Era Mukama yali asunguwalidde nnyo Alooni nga n'okumuzikiriza ayinza okumuzikiriza. Naye mu kiseera ekyo ne Alooni ne mmusabira nnyo." Nkiwa kw'olwo Alooni osanga teyandilutonze..

Nny.25-29…..Abaleevi bayanguwa okweekwaata Musa, simanyi oba lwaakuba baali ba lulyo, naye mu bbo ekiruyi kya Mukama kyeyongera okuzikiriza abo bonna abaali abasaale mu kibi kino, nga wadde ennyana yali eggiddwaawo, baali mu ffujjo…..

Nny.30-35…..
Nekkemiya 9:16-18 zigamba……

Mukama Katonda waffe wa kisa nnyo gyetuli naguno, naye mu byonna bye tulabye mu ssuula eno, kikulu nnyo okuba n'obukakafu nti tulina okweewala okusinza bakatonda abalala nga Paulo wetwaalabye agamba mu I Abakk. 10 – n'okubadduka tubaddukenga, kubanga ebikivaamu bya kabasa nnyo.
Era okukyeekuuma nga tweekuumira mu kubeerawo kwa Mukama Katonda waffe, tuwuliriza ebiragiro bye era tukwaata amateeka ge, kabe kasinge nga Yoswa nga tetuva ku lusegere lw'abakulembeze baffe abatubeeza mu kuyigirizibwa(discipleship).
Naye ng'era okweewaayo okwegayiririra bannaffe kya nkizo nnyo mu kutuukirizibwa kw'okwagala kwa Mukama kwonna, kubanga ekibi ku nsi lubeerera kilwaaza bangi nnyo mu bujeemu, n'okwoonoona Mukama waffe Yesu Kristo bye yajja okuvumula ng'omutango era omwegayirizi ow'enkalakkalira.